# Amus ne Bukedea balwana kuyingira byafaayo

Bya JULIUS KAFULUMA, LIRA

Bukedea 1-0 Kyaddondo SS
Amus 0 (4) Kitende 0 (1)

**Leero (Fayinolo);**
Bukedea - Amus, 8:00

AMUS College ne Bukedea Comprehensive School aga disitulikiti ya Bukedea eggulo gaakomezza ejjoogo ly'aga Wakiso mu mpaka z'eggwanga ez'omupiira gwa Siniya (USSSA Football Tournament).

Amus yaggyeemu St. Mary's SS Kitende, ate Bukedea n'ekomya Kyaddondo SS (gonna g'e Wakiso) ku semi ezaazannyiddwa e Lira. Amus ne Bukedea gattunka leero ku fayinolo ng'omuwanguzi waakuyingira ebyafaayo kuba gwe gunaaba omulundi gwe ogusooka okutwala ekikopo kino.

Empaka zino zeefugiddwa nnyo amasomero g'e Wakiso ne Kampala nga Kitende y'ekyasinze okuziwangula (ebikopo 12), n'eddirirwa Kibuli SS erya Kampala (11), Kololo SS erya Kampala (4) ne Buddo SS erya Wakiso (3).

Mu za 2024 e Masaka, Amus era yaggyamu Kitende ku semi n'eddamu n'ebakuba mu za East Afrika, Uganda ze yategekera e Bukedea. Amus yakubwa St Julian (3-0) ku fayinolo ya 2024.